# Ebigenda okuyamba abasuubuzi b'omu Kampala obutakosebwa mataba

**ABASUUBUZI abakolera mu bizimbe okuliraana omwala gw'e Nakivubo buli nkuba lw'etonnya baba ku bunkenke nga batya emmaali yaabwe okugendamu mukoka. Omusasi wa Bukedde** MOSES KIGONGO, **yatuukiridde abantu ab'enjawulo abalina akakwate ku nsonga eno ne bawa ebirowoozo ku kinaamalawo amazzi okubayingirira.**


## KCCA

Omwogezi w'ekitongole kya KCCA, Daniel NuweAbine, alaze amakubo ag'enjawulo ge batandiseeko omuli;

- Okusengula abantu abakolera mu bizimbe omuyingira mukoka, era abakolera ku Totala, French Plaza, Qualicel ne Nabukeera, baafunye amabaluwa agabasaba okuva we bakolera.
- KCCA yataddewo abakozi okuzibukula emyala mu bifo omwanjaala amazzi omuli ku ssaawa ya Kkwiini," ku mwala gwa Nakivubo n'awalala.
- Gavumenti yataddewo ebigoma n'emikutu eginaayitamu amazzi 16 mu kibuga Kampala. era waliwo enjawulo amazzi gaggwaawo mangu ate n'amazzi tegakyayingirira bizimbe.
- Dayirekita w'ekitongole kya bayinginiya n'emirimu egy'ekikugu mu KCCA, Justus Akankwasa, yasabye Bannakampala okukomya okumansa kasasiro kubanga aggweera mu myala n'emikutu egyateekebwawo okuyitamu amazzi ne gizibikira.

Abagagga ab'enjawulo bazimbye mu ntobazzi ne bafunza emikuttu amazzi mwe gandibadde gayita. Kino kivuddeko amazzi okweenonyeza ekkubo lyago.

PONSIANO NSIMBI



Abasuubuzi nga basena amazzi mu dduuka,

## ABA YINSUWA

Maria Nalunkuuma, omwogezi w'ekitongole kya "Insurance Regulatory Authority of Uganda-IRAU", yawadde abasuubuzi amagezi okulowooza ku ky'okuwa emmaali yaabwe obukuumi okuva mu yinsuwa baleme kufiirwa ssente ze bataddemu. Kino kijja kubayamba okukomya okulaajanira gavumenti okubaliyirira.

## NEMA

- Naomi Karekaho, omwogezi wa National Environment Management Authority-NEMA, yasabye Bannayuganda okukomya okuzimba mu ntobazzi.
- KCCA okuddamu okuzimba emikutu omuyita amazzi kubanga egyasooka gyazimbibwa ku mulembeze gw'abakulembeze b'Amatwale ng'ekibuga kikyali kya bantu batono.
- Okuddamu okukola pulaani